
جمعية الدعوة والإرشاد
وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء

# صفة العمرة

# ENGERI Y'OKUKOLA UMRAH

Akatabo kano kawandiikiddwa mu Langi ez'enjawulo era ne kawundibwa n'ebifaananyi ebinnyonnyola



الطبعة الأولى

FIRST EDITION

باللغة الأوغندية

# صفــــة العمـرة

## ENGERI Y'OKUKOLA UMRAH

---

Akatabo kano kawandiikiddwa mu Langi ez'enjawulo era ne kawundibwa n'ebifaananyi ebinnyonnyola

جمعية الدعوة والإرشاد
وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء

ح جمعية الدعوة و الإرشاد و توعية الجاليات في محافظة حريملاء ، ١٤٤٤هـ

**فهرسة مكتبة الملك فهد الوطنية أثناء النشر**

صفة العمرة (باللغة الأوغندية)

جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء - ط١

- حريملاء ، ١٤٤٤هـ

**١٣ ص ، ١٦,٥٠×٢٢,٥٠سم.**

**ردمك : ٣-٥١٣٣-٠٤-٦٠٣-٩٧٨**

**١٤٤٤/٨٥٣٨**

**١- العمرة أ.العنوان**

**ديوي ٢٥٢,٦**


**رقم الإيداع: ١٤٤٤/٨٣٥٨**
**ردمك : ٣-٥١٣٣-٠٤-٦٠٣-٩٧٨**

Jaliathrml@gmail.com

966505118354

حساب الجمعية في مصرف الراجحي SA 5080000226608010026266
حساب الوقف الدعوي في مصرف الراجحي SA 2580000226608010900007
حساب الجمعية في مصرف الإنماء SA 5605000068202980101000

## 1. Ihraam (Emizizo oba intention)




❂ Ihraam kwe kunuuyirira okuyingira mu mikolo gya Umrah. Kikubirizibwa eri omuntu agenda okukola Umrah okwogera ebigambo bino "labbayka Umrah" bw'aba agenda kuyingira emikolo gya Umrah.

❂ Omwami agenda okukola Umrah ayambala enkutu n'essuuka (ey'awaggulu) etali ntunge. Amakulu: ezitalaga biyungo webiyita nga essaati y'omunda, sitookisi, n'akawale ak'omunda…n'ebirala. Era kikubirizibwa ihraam neziba njeru (nga bwe ziri mu kifaananyi).

Wabula ye omukyala talina lugoye luli ssunna kwambala nga agenda mu mizizo (emikolo hya umrah), wabula ayambala engoye ezibikka enkula y'omubiri gwe eza langi yonna, nga tayolesa by'akwewunda bye.

❂ Kirungi okwogera ebigambo bino (talbiya) oluvannyuma lw'okuyingira emikolo era kwe kugamba nti:

"Labbayka Llahumma labbayka, labbayka laa shariika laka labbayka, innal hamda wa nni'mata laka wal mulku laaa shariika laka"

Amakulu nti: "Nnyanukudde omulanga Katonda wange, nnyanukudde omulanga teri kikwegattako mu kusinzibwa kwo. Mazima ddala amatendo, n'ebyengera byonna bibyo awamu n'obufuzi, tolina kikwegattako mu kusinzibwa."

Era abaami basitula amaloboozi gaabwe mu kukyogera, naye ate abakyala bakkakkanya amaloboozi gaabwe mu ku kyogera.

Ebitakkirizibwa kukolera mu mizizo (mikolo gya umrah).




Oluvannyuma lw'okuyingira mu mikolo mu kifo eky'okunuyiriramu ekiyitibwa (Miiqaat), omuntu agenda okukola Umrah aziyizibwa okukola ebintu bino wammanga:

- Okuggyako yadde oluviiri oba enjala. wabula bwekubaako ekivaako ku byo nga tagenderedde, oba n'akwata ku nviiri ze oba n'asala enjala ze nga yeerabidde oba nga tamanyi nnamula y'akyo, talina mutango.

- Omuntu ali mu mikolo gya Umrah takkirizibwa kwekuba kawoowo ku mubiri gwe, oba mu ngoye ze. Naye tewali buzibu ku buufu bw'akawoowo kaaba y'ekubye ku mubiri gwe nga tannayingira mizizo. Naye ate bwe kaba mu ngoye ze (eza Ihraam) aba alina okukoozaamu.

- Kiziyizibwa ku musiraamu yenna kaabeere mu mizizo oba tali, mwami oba mukyala okwetaba mu mbeera yonna ey'okuyigga okw'okulukalu nga okutta ekisolo oba okukigoba emisinde oba okuyambagana mw'ekyo nga

akyaali munda mu nsalo z'omuzikiti gw'e mizizo.

❂ Kiziyizibwa ku musiraamu yenna kaabeere nga ali mu mikolo oba tali, okusala emiti gy'omuzikiti ogw'emizizo (ogw'Emakah) awamu n'ebimera by'agwo eby'ekiragala ebyo eby'emeza byokka.

❂ Tekikkirizibwa ku musiraamu yenna kaabeere nga ali mu mizizo oba tali, okulonda ebiba bisuuliddwa nga ssente, ne zzaabu, ne ffeeza awamu n'ebirala mu nsi ey'emizizo okuggyako olw'ensonga y'okubiranga.


❂ Omwami ali mu mizizo takkirizibwa kw'ogereza bakyala yadde okubawasa kaabe nga akyekolera oba nga akikolera mulala. Era n'okwegatta nabo awamu n'okubakwatako n'obwagazi nabyo tebikkirizibwa olwa Hadith ya Uthman (R.A) bwe yagamba nti Nnabbi (S.A.W) yagamba nti: (Omuntu ali mu mizizo tawasa era tawasibwa era tayogereza) yayogerwa Muslim.

❂ Omukyala takkirizibwa mu kiseera ky'emizizo okwambala gilavuzi mu ngalo ze, era tabikka kyenyi kye Na niqab (akakaaya akabikka ekyenyi nekalekawo amaaso gokka) oba Burqa (akakaaya akabikka ekyenyi kyonna nga kw'otwalidde amaaso) nga ali mu baami abatamuzira, awo kiba kimukakatako okubikka ekyenyi kye nga akozesa akakaaya oba ekirala kyonna nga bweyandibadde nga tali mu mizizo.


❂ Omwami ali mu mizizo takkirizibwa kubikka mutwe nga akozesa engoye za ihraam oba ekirala kyonna ekinyweera ku mutwe nga kofiiya (ekitambaala ekyeeru nga kirimu ebiddugavu), shimagh (ekitambaala ekitobekeddwa ne langi ez'enjawulo ekizitowamu), ghutra(ekitambala ekyeru nga kiwewufu), n'ekitambaala ekya bulijjo kyebazingirira ku mutwe. Wabula ssinga omwami ali mu mizizo abikka omutwe gwe nga yeerabidde oba nga tamanyi nnamula yaakyo, kimukakatako okuggyako ekyo ekiba kibisse omutwe wonna wajjukirira oba waategeerera ennamula y'akyo. Naye talina mutango.

## Omuntu ali mu mikolo gya Umrah akkirizibwa

- Okwambala essaawa.
- Okwambala ggalubindi.
- Okwetikka ebintu ku mutwe.
- Okwambala obw'omumatu (earphones).
- Okwambala omusipi n'omugwa gw'enngamiya.
- Okusitula omufaliso ku mutwe.
- Okwambala empeta.
- Okwesikiriza okuva eri enjuba nga akozesa manvuuli.
- Okusiba ebiwundu  n'okukyuusa engoye za ihraam n'okuziyonja.
- Okunaaba omutwe n'omubiri, era bw'aba avuddeko enviiri nga tagenderedde, talina mutango. Era Omwami ali mu mizizo takkirizibwa kwambala lugoye lutunge ku mubiri gwe gwonna oba ku bitundu ebimu nga ekkanzu, n'essaati n'ettaawo, n'akawale ak'omunda wadde okw'ambala khuff (engatto ezibikka ebigere). Okuggyako bw'aba tafunye nkutu, awo akkirizibwa okwambala empale, era oyo aba tafunye ngatto eziraga ebigere akkirizibwa okwambala khuff, era talina buzibu mw'ekyo.
- omuntu ali mu mizizo bw'abikka omutwe gwe nga yeerabidde oba nga tamanyi ennamula y'akyo alina okuggyako ekyo ekiba kibisse omutwe wonna wajjukirira oba w'amanyidde ennamula y'akyo, era talina mutango.



## 2. Twawaaf (okwetooloola Ka'bah)




Omulamazi bw'ayingira ekibuga Makkah eky'ekitiibwa:

❂ Akubirizibwa okunaaba nga y'akatuuka oluvannyuma n'agenda ku muzikiti ogw'emizizo ewali enyumba ya Allah enkadde (Ka'bah) okutuukiriza emikolo gya Umrah naye bw'agenda ku Muzikiti e Makah nga tanaabye, talina buzibu bwonna.

❂ Era bw'aba ayingira omuzikiti e makah, akulembeza okugulu kwe okwaddyo ng'agamba nti:

"A'uudhu biLlaahil 'Adhwiimi, wawajhihi lkariim wa sultwaanihil qadiim, mina sshaytwaani rrajiim. Allahumma ftah lii abwaaba rahmatika"

Era eno edduwa esobola okusomebwa mu kuyingira emizikiti emirala.

❂ Oluvannyuma omulamazi ayolekera eri Ka'bah alyoke atandike okukola Twawaaf (okugyetoloola Ka'abah emirundi musanvu) Era kya mu Sunnah (kirungi) eri omwami okubikkula ekibegabega kye ekya ddyo nga ekitundu kye nkutu ye eky'awakati akiteeka wansi w'enkwaawa ye eyaddyo era ensonda z'ayo aziteeka ku kibegabega kye ekya kkono.

❂ Oluvannyuma Omulamazi n'atandika okwetooloola Ka'bah emirundi musanvu, nga atandikira ku jjinja eriddugavu. Bwekiba kimwanguyidde


okutuuka ku jjinja eriddugavu, alinywegera bw'aba asobodde nga tanyiizizza bantu mu ngeri y'okwenyigiriza n'okusindikagana, yadde okuvumagana n'okukubagana kubanga eyo nsobi, olw'okuba mulimu okunyiiza abasiraamu. Wabula kimumalira okulaza eri ejjinja eriddugavu nga aliri wala (ejjinja lino ku ludda awali ekitaala ekyakiragala (green) nga agamba nti (Allahu Akbar) nga tayimirira buli lw'ayita ku jjinja era nga tanyigiriza bantu balala oba okubanyiiza.

- Omulamazi bw'atuuka ku nsonda ya Ka'bah etunudde e Yemen (Al Ruknul Yamaani), agikwatako n'omukono gwe bw'aba asobodde naye taginywegera yadde okugyesiimuulako nga abamu bwe bakola, nga baawukana ku nkola y'omubaka (S.A.W). Bw'aba tasobodde kukwata ku nsonda ya Ka'bah etunudde e Yemen (Al Ruknul Yamaani) alina kugenda mu maaso na kwetooloola Ka'bah nga talazizza gyeri yadde okuleeta Takbiira (okugamba Allahu Akbar). Era kya mu Ssunnah bw'aba yeetooloola Ka'bah wakati w'ensonda ya Ka'bah etunudde e Yemen (Al Ruknul yamaani) n'ejjinja eriddugavu okugamba nti:

Rabbanaa Aatinaa fi ddunyaa hasana, wa fil aakhirati hasana, wa qinaa 'adhaaba nnaar.

Kaabah N'ebigikwatako

1-Ejjinja Eriddugavu
2- Olujji lwa Kaabah
3- paipu eyiwa amazzi
4- Ebinyweeza Kaabah
5- Ejjinja lya Ismael
6- Basabirawo dduwa
7-Ekifo kya Ibrahim
8-Empagi y'ejjinja Eriddugavu
9-Empagi etunudde eyemeni
10-Empagi Etunudde Eshaami
11- Empagi etunudde E Iraka
12-Olugoye lwa Kaabah



❂ Era bw'atyo omulamazi bw'amaliriza okwetooloola Ka'bah mu ngeri eyo emirundi musanvu nga atandikira ku jjinja eriddugavu ku buli lwetooloola era nga kw'akoma. Era kikubirizibwa okwanguwa mu kutambula nga esemberezaganya enta ku mirundi esatu egisooka mu kw'etooloola okw'okutuuka ku Ka'bah.

Oluvannyuma lw'okwetooloola Ka'bah

Era oluvannyuma lw'okwetooloola Ka'bah aba alina okukola bino wammanga:

- O musajja okubikka ekibegabega ekyaddyo


- (Maqaam Ibraahiim) bwe kiba kimwanguyidde. Naye bwe kiba tekisobose, eraaka ezo ebbiri azisaalira mu kifo kyonna mu muzikiti ogw'emizizo (ogw'e Makkah) era nga eyo sunnah enkakafu nga mu raaka esooka asoma Suuratul Kaafiruun oluvannyuma lwa Al Faatiha era mu raaka ey'okubiri asoma Suuratul Ikhlaas oluvannyuma lwa Al Faatiha. Naye ate bw'asoma ezitali ezo tekirina buzibu.

Eby'okwegendereza

Eby'okwegendereza wakati mukwetooloola Ka'bah.

- Abantu abamu beetooloolera munda mu kisenge kya Ka'bah nga balowooza nti okwetooloola kwabwe kutuufu. Naye ekituufu kiri nti ekisenge kitundu ku Ka'bah n'olwekyo aba alina okwetooloolera wabweru w'akyo.
- Okukwata ku nsonda za Ka'bah zonna oba oli awo n'ebisenge by'ayo n'okugyeesiimuulirako ne ku lugoye lw'ayo n'omulyango gwaayo ne ku Maqaam Ibraahim (A.S), ebyo byonna tebikkirizibwa olw'okuba nti bimu ku bintu ebizuule ebitalina nsibuko mu ddiini era nga Omubaka (S.A.W) teyabikola.
- Okusindikagana wakati w'abaami n'abakyala mu kwetooloola Ka'bah, n'addala ku jjinja eriddugavu

## 3. Sa'y:




❂ Omulamazi bw'amala okwetooloola Ka'bah, afuluma n'agenda ku lusozi Swafaa okukola Sa'y (kutambula) emirundi musanvu. Bw'asemberera Swafa atandika n'ekyo Allah kyeyatandika nakyo nti:

{ إِنَّ الصَّفَا وَالْمَرْوَةَ مِنْ شَعَائِرِ اللهِ ﴿١٥٨﴾ } (سورة البقرة)

(Inna swafa wal marwa min sha'aaeri llah)

(Mazima Sswafaa ne Mar-wa bumu ku bubonero bwa Allah) Essuula Al Baqarah: 158

❂ Oluvannyuma awalampa olusozi Sswafaa bwekiba kimwanguyidde n'aluyimirirako nga ayolekedde Ka'bah n'atendereza Allah (nga agamba Alhamdulillah) era n'agamba nti Allahu Akbar emirundi esatu, n'asaba era n'ayitiriza okusaba Allah nga awanise emikono gye nga agamba nti:

Laa ilaaha illa llaahu wahdahuu laa shariika lahu, lahul mulku wa lahul hamdu wa huwa 'alaa kulli shay-in Qadiir. Laa ilaaha illa llaahu wahdahu anjaza wa'dahu , wa naswara 'abdahu wa hazamal ahzaaba wahdahu.

Era addinggana ebigambo ebyo eyo emirundi esatu era wakati awo ayinza okusabirawo kyonna ky'ayagala, naye bw'akoma ku kitono kw'ekyo aba talina buzibu. Era tawanika mikono gye okuggyako nga asaba, era talaza nga aleeta Takbiir.

❖ Okulaza n'emikono y'emu ku nsobi ezaakyaaka eri abalamazi abasinga mu Hijja ne Umrah.

- Oluvannyuma nakkirira okuva e Swafaa nga ayolekedde e Mar-wa nga atambula bw'asaba edduwa z'aba asobodde nga y'esabira n'abantu be awamu n'abasiraamu.
- Bw'atuuka ku bitaala eby'akiragala (green) addukamu emisinde era ekyo kye yawulidde basajja bokka okutuusa bw'atuuka ku bitaala eby'okubiri awo n'atambula mu ntambula ye ey'abulijjo okutuusa bw'atuuka e Mar-wa, embala y'etambula zino, omulamazi bw'atandikira ku Swafa n'agenda e Marwa, abal anti ogwo omulundi gumu, bwadda eswafa, n'abala nti egyo ebiri bwatyo okutuusa bwamalayo emirundi omusanvu.waddembe okukola ebirala oba okuddayo ewaabwe, tusaba Allah Akkirize.

❂Almaruwa:

- Bw'atuuka e Maruwa ayolekera Kabah, n'ayogera bye yayogedde ng'alinnya olusozi Swafa nga bwasaba Allah kyonna kyayagala, bw'atuukayo bulungi ku Maruwa abala nti ogwo mulundi gumu, akomawo e Swafah n'abala nti egyo emirundi okutuusa bw'malayo emirundi omusanvu ng'atambula wakati wa swafa ne maruwa.
- Tekirina buzibu singa omuntu ayagadde okutambulira ku ka gaali olw'obulwadde oba olw'obukosefu.
- Era kikkirizibwa omukyala ali munnakuze ez'omwezi okutambula wakati w'ensozi zino nga talina wudhu, okwawukanako okwetooloola Kabah, kwo takkirizibwa okujjako nga alina wudhu.
- Omukyala ye taddukamu bw'atuuka ku bitaala ebya kiragala, kino kikolebwa basajja bokka.

## 3-Okusalako Enviiri.




Omulamazi bw'amala okwetooloola Ka'abah n'okutambula wakati wa Swafa ne marwa, akomekkereza n'okusala enviiri ku mutwe, omusajja amalako zonna, naye omukyala tamalaako nviiri ku mutwe, wabula akendezaako katono, wano nno emikolo gya umrah giba giwedde bw'amala ekyo, era waddembe okukola ebirala oba okuddayo ewaabwe, tusaba Allah Akkirize.

يحتوي الكتيب على أركان العمرة وكيفية الإحرام، والطواف، والسعي، وبيان ما يشترط في كل ركن من هذه الأركان، وكيفية التحلل من الإحرام، والمحظورات التي يجب على المعتمر اجتنابها، وقد اشتمل على صور توضيحية.

Akatabo kano kalimu empagi Umrah, engeri y'okuyingira mu mikolo gyayo, okwetooloola Kaaba, n'okutambula wakati wa Swafa ne maruwa, n'okunnyonnyola ebyetaagisa mu buli emu ku mpagi zino, engeri y'okumalirizaamu emikolo gino, n'ebigaanibwa omulamazi okukolebwa, era ebimu binyinyoddwa mu bifaananyi.


صفة العمرة
ENGERI Y'OKUKOLA UMRAH
الإصدار رقم 53 من سلسلة مطبوعات
جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء

الطبعة الأولى
FIRST EDITION

ردمك : ٣-٥١٣٣-٠٤-٦٠٣-٩٧٨

جمعية الدعوة والإرشاد
وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء